# Nfumbidde ku miggo emyaka 46'

Bya SAUL WOKULIRA


Nsamba ne mukyala we Nakirijja.

MAAMA w'abaana alojja obugubi mw'afumbidde emyaka 46, omuli bba okumuligita emiggo nga kw'atadde okuwasa enkya n'eggulo.

Ruth Nakirijja 61, agamba nti, ebyo abadde abigumidde naye eky'omusajja okumulekerera mu maka kati emyaka ebiri kimuyitiriddeko, kwe kwekubira enduulu.

Yategeezezza nti, yafumbirwa John Nsamba mu 1980 ku myaka 15 era amuzaalidde abaana 9. Agamba nti, wadde afumbidde mu bugubi, tanobangako. Bano batuuze b'e Kiwangula mu ggombolola y'e Busaana mu disitulikiti y'e Kayunga.

## BYAZZE BITYA?

Nsamba ye yasoose okwekubira enduulu ew'atwala eby'amaka, Collins Kafeero nga yeemulugunya nti mukyala we Nakirijja ne mutabani we omukulu, Tonny Katugga beefuga amaka ne baagala n'okuzimba ekkanisa y'abalokole ku ttaka lye ekintu ky'atakkiriziganya nakyo.

Yabadde akyabitebya, ne zireeta Nakirijja nga yenna asuukiira. Yalojjedde Kafeero ennaku mw'afumbidde omuli ne bba okudduka n'amala emyaka ebiri be ddu nga tabawa wadde ekibiriiti! Yategeezezza nga bba bwe yamukubako embaki za baggya be bataano, abamuliisa akakanja nga bazze ku kibanja okulima.

Kafeero kyamusussеeko n'atuuza olukiiko lw'abataka mu maka g'abafumbo bano, buli omu n'ayanja ensonga ze ne yecca.

## BAMPISAAMU AMAASO

Nsamba agamba nti, okudduka awaka kyava ku Nakirijja okumunyooma era nti lumu yeegatta n'omwana omukulu ne bamwegezaamu okumukuba.

Agattako nti, lwe yafiirwa nnazaala we, yawaayo essuuka n'amabugo ga 60,000/- ku buko wabula essuuka baazimuzirira. Nti, yabasaba ne ssente bazimuddize ne beerema.

## NFUMBIDDE KU BUGUBI EMYAKA 46

Ate Nakirijja agamba nti, afumbidde ku bugubi olw'okukubwanga emiggo olutatadde era nga buli bba lw'akwana omupya, afuuka ekirala n'akuba n'asamba.

Agattako nti, bba amusibako obwenzi n'atuuka n'okumwagaza abaawule n'ababuulizi ng'agenderera okumulemesa kkanisa. Era nti, yeegatta ne bakazi be n'abaana ne bamuvuma.

Kafeero awabudde Nakirijja agondere bba nga Bayibuli bw'erung'amya. Alagidde omusajja akomye eby'okwegeza mu mukazi we okumutema kubanga guno musango era akomye okugatta abakazi b'awasa mu kibanja ekimu. N'amugamba, buli omu amugulire ekibanja kye mw'aba alima, ekiriwo akirekere mukyala mukulu (Nakirijja) n'abaana be. Nakirijja yafukamidde n'asaba bba amusonyiwe bye yamunyiiza, akomewo mu maka bagatambuze kuba ye musajja gw'ayagala.